ENDABIRIRA Y'ENKOKO EZ'ENNYAMA

(BROILERS)

Kulakulana ng'olunnda enkoko za Ugachick!!

WEGENDEREZE BINO WAMANGA

Okugema (Weewale):

- Okukozesa eddagala erigema nga likaddiye.
- Okutereka obubi eddagala erigema.
- Okutambuza obubi eddaagala erigema, nga lyokebwa omusana.
- Okozesa eddagala erigema obubi, amazzi amajama n'ebirala.
- Enkoko ziwe vitamins buli lw'omala okugemma okuzizaamu amaanyi.
- Eddagala eligema lisanye litabulirwe ku farm awali enkoko so si kumaduka.

Okujanjaba;

- Goberera endagiriro y'omukozi w'eddagala.
- Wa dozi entuufu.
- Goberera ennaku zokomako okuwa eddagala.
- Ebbanga eriyitawo olyoke osale enkoko okugirya.

Ennyumba y'enkoko;

- Ekizimbe kibe kiwanvu ekimala nga kifuna ekitangala n'empewo.
- Yiwa enkokoto wansi ate ebisenge bisiige omusenyu okwewala emmese.
- Ekizimbe kibeko sitoowa (store) mwonoteeka emmere, eddagala ne sipeeya (spare) w'ebikozesebwa. Sitoowa ebeere nnene nga egyamu emmere eye sabbitti ebbiri.
- Ekizimbe kibeemu obusenge (partitions) wonoludira, awanabeera ezirwadde n'awanabeera ezitazitoye bulungi n'oluvannyuma wonosinzira okuzirabirira obulungi.

Buliijo kuuma embalirira ennungi, ng'owandiika enfulumya oleme kwerabira

ENTEKATEEKA Y'OKUGEMA

AGE (WEEKS)	TYPE OF VACCINE	ROUTE OF ADMINISTRATION
1ST WEEK	NEWCASTLE 1	INTRA OCULAR (Masso)
2ND WEEK	GUMBORO 1	(Eye drop) INTRA OCULAR (Masso)
3RD WEEK	GUMBORO 2	(Eye drop) INTRA OCULAR (Masso)
4TH WEEK	NEW CASTLE 2 LA SOTA	DRINKING WATER (Kunywa)

Oyinza okwebuza okuva ku offiisi yaffe okumanya ebisingawo kukugema.

Ugachick

Ugachick Poultry Breeders Ltd
Magigye Farm, Namulonge Rd, Gayaza
P.O. Box 12337, Kampala-Uganda
Tel: +256 41 4251957, 4250341,
77 2404491, 39 2853492
Fax: +256 41 4251958
E-mail: ugachick@infocom.co.ug
info@ugachick.co
www.ugachick.co

ENKOKO EZ'ENNYAMA

ENDABIRIRA ENNUNGI

Enkoko ez'ekika kino zikulira mu bbanga eriri wakati wa sabbiti omukaaga n'omunaana okusobola okuweza e kilo emu n'ebitundu omunaana (1.8 kg) okudda waggulu.

ENDIISA

Sabbiiti ezisooka essatu kozesa 1.5 kg eza Broiler Starter. Sabbiiti eyokuna okutuusa ku yomusanvu kilo 3.5 eza Broiler Finisher. Obuzito bw'enkoko obusubiddwa olwo kilo emu n'ebitundu munaana (1.80) okudda waggulu. Enkoko erya misana na kiiro.

EBBANGA ERY'OKWETAAYA

Meter emu kwe emu ejaamu wakti w'obukoko ekkumi n'akamu ne ekkumi n'obusatu.
Buba bwetaga bino wamanga:

Obutiba: Centimeter nnya buli kakoko bw'oba okozesa akatiba akawanvu.
Centimeter bbiri n'ekitundu buli kakoko bw'oba okozesa akatiba akeetooloovu.

Ebinyweerwamu: Centimeter bbiri buli kakoko bw'obokozesa ebinyweerwa mu ebiwanvu.
Centimeter emu n'ekitundu buli kakoko ng'okozesa ebinyweerwaamu ebyetooloovu.

Okwewala okuyiikayiika kw'emmere, akatiba tokajjuza mmere kussuka kimu kyakusatu. Ate era, okusobola okufuna enkula ennungi obutiba tebukalira. Enkoko ezisuubirwa okufa nga tezinnakula zisaanye zireme kusukka mukaaga ku buli nkoko ekikumi.

Nga tonnatumya bukoko, tuula obalirire emmere gy'oneetaga okukuza enkoko. Era gezaako okulaba nga emmere w'onoogigya weesigika. Okusobola okufuna mu nkoko ezennyama naddala nga olina akatale kwe kulunda enkoko nga ziri mu mitendera okusinziira mu sabbiiti eyobukulu.

ENDWADDE

Egeri enkoko zennyama gye zibeera mu kifo nga kifundafunda, obukuta busaanye bube bungiko (6cm) busobole okunywa amazzi agabeera mu kalimbwe obukuta busigale nga bukalu.

Obukuta obubisi oba obwekutte buleeta endwadde ezivaako enkoko okukula empola. Amadirisa amaggule gayamba mukuyingiza empewo mu nnyumba ye nkoko ekireetera obukuta okukala. Kino awamu n'okukyusa mu bukuta kiyamba mu kukendeeza ku ndwadde.

Okugema enkoko ku ndwadde nga Gumburo ne New Castle nakyo kiyamba mu kuziyiza endwade. Enkoko bwe zitandika obutalabika bulungi, ziwe ku ddagala mu mazzi awamu ne vitamin ng'omusawo bw'anakulagira.

Wekkaanye: Olw'okuba nga enkoko ez'ennyama zeetaga ensimbi nnyingi nga tezinnazza magoba, ekyawukana ku z'amagi, weetaaga otandike n'enkoko ntono ogende nga oyongera ku muwendo mpola mpola.

Amagoba okuva mu nkoko ezennyama gasobola okuba amalungi, nga ate era osobola okufiirwa senga wesuulirayo gwa nnagamba ku bye ndabirira.

Obukoko nga tebunnaleetebwa

- Longoosa era fuyiira ennyumba olwo ogireke nga nkalu okumala sabbiiti bbiri.
- Longoosa era fuyiira obutiba ne byonna by'okozesa.
- Laba nti olina amanda n'amafuta ebikumala okubugumya obukoko
- Siba brooder mungeri eye nkulungo.
- Amaabaati gabeere ga fuuti bbiri mu bugazi.
- Essaawa ssatu nga obukoko tebunnaleetebwa, bugumya ennyumba y'obukoko etuuke ku kibuguumirize ekimala.
- Tabula kilo emu eya ssukaali mu liter kkumi ez'amazzi.
- Obutiba n'ebinyweerwamu biteeke mu nnyumba y'obukoko okwetooloola essiigiri.



Ebbugumu pitirivu

Empewo

Ebbugumu lyesuddesude

Ebbugumu limala

Ng'obukoko butuuse

- Bala obukoko weekakase omuwendo gw'otandise nagwo.
- Obukoko buteeke mu brooder okumpi n'essigiri.
- Buleke bunywe ammazzi okumala essawa bbiiri.
- Olwo buwe emmere ya **Ugachick** eyitibwa Broiler starter mash.
- Kuuma ekibuguumirize ekyekigero.

Kozesa amabaati agamasaamasa kuba gaba malungi nnyo mu kugabanya obulungi ekitangaala ne bbugumu mu nnaku ezisooka ekkumi.

EBBUGUMU LYA BROODER:

Sabbiiti esooka	32-34° C
Sabbiiti eyokubiri	30° C
Sabbiiti eyokusatu	28° C
Sabbiiti eyokuna	26° C
Sabbiiti eyokutaano	20-25° C

Wekkaanye: Laba nti oyongeza ku bugazi bw'ebbanga enkoko we ziri buli sabbiiti. Enkoko ez'ennyama zisaanye zibe mu bbanga lyazo eriijjuvu mu sabbiiti eyokuna

Emmere

Emmere kye kisinga okutwala ensimbi eri omulunzi yena ow'enkoko era etwala 60-70 ku buli kikumi nga ogeraageranya n'omuwendo gwonna ogwetagisa mu kulunda. Olwensonga eyo, osaanye wegendereze nnyo okulaba nti emmere teyiikayiika.

Obukoko buwe obutiba obubumala kyokka obutiba tobujjuza mmere kusukka kimu kyakusatu.
Tandika na kuliisa Broiler Starter wakiri grams 700 buli kakoko, olwo ozzeeko Broiler Finisher mu bbanga eriba lisigaddeyo

Amazzi

Enkoko ziwe amazzi agazimala buli kiseera. Enkoko ez'ennyama zinywa amaazi emirundi esatu obungi bwe mmere gye ziba ziridde.

Wekkanye:

- Okusobola okuziyiza obukoko ku ndwadde, bugeme New Castle, 1 B ne Gumboro nga bwe kiragiddwa muntekateka ey'okugema.
- Kuuma ekibuguumirize kireme kukka nnyo obakweyongera waggulu. Kino ojja kukisobola nga oggulawo oba nga oggalawo entimbe z'enkoko.
- Laba nti enkoko zifuna empewo ezimala nga oggula amadirisa gafulumye enfuufu n'omukka omubi, ate gayingize empewo.
- Tokkiriza bagenyi mu nkoko zo. Bajja kuleeta obulwadde.
- Noonya akatale mu budde.
- Sasulira obukoko bwa Ugachick obuto mu budde.